

# ENGERI Y'OKWEWALAMU OKUSAASAANYA OBUWUKA OBULEETA ENDWADDE

**Olupapula oluliko Ebyokusomesa abantu**

## 1 Naaba engalo


Naaba engalo ng'okozesa amazzi ne ssabbuuni oba evvu buli lw'oba oteekeddwa naddala singa okwata mu musaayi oba ku bbwa.





## 2 Emikono gisabike

Bulijjo yambala giraavu oba ekintu ekya pulaasitiika bw'oba ogenda okukwata ku kintu ekikyafu naddala singa ogenda okukwata mu musaayi/amasira oba kozesa ekintu ng'olulagala, ekigoye oba ekintu ekirala ng'ogenda okukwata ku kintu ekikyafu.





## 3 Okulongoosa ekiwundu

Yambala giraavu oba ekintu ekya pulaasitiika ng'onaaza ekiwundu ky'omuntu omulala. Bw'oba tolina giraavu oba aekintu ekya pulaasitiika gezaako okulaba ng'oteeka pulasita ku kiwundu ky'okyayinza okuba ng'olina ku ngalo oba ku mikono gyo oba omuntu gw'olabirira.





## 4 Okulongoosa obukyafu obw'obulabe

Singa omusaayi oba obubi bigenda wansi mu nju, funa jiiki omuyiwe awatonnye ebintu ebyo. Akasaanikira ka jiiki katabulemu obw'amazzi 9 Yambala giraavu oba aekintu ekya pulaasitiika ng'ogenda okulongoosa ekifo kino. Tolinnya mu bintu bino.







USAID FROM THE AMERICAN PEOPLE | HIP HYGIENE IMPROVEMENT PROJECT

THE REPUBLIC OF UGANDA
Ministry of Health


Plan
Be a part of it.

## 5 Engeri y'okusuulamu ebintu ebimaze okukozesebwa mu bifo by'omu bibuga:

Yokya ebintu bye weeyambisizza okulongoosa awantu awakyafu gamba nga omusaayi (y'enkola esinga okwettanirwa) oba sibako ebintu ebiriko obukyafu obisuule ku kasasiro.




1) Okwokya (y'enkola esinga okwettanirwa)




2) Siba ko bulungi osuule ku kasasiro

### Engeri y'okusuulamu ebintu ebimaze okukozesebwa mu byalo:


Suula ebintu bye weeyambisizza okulongoosa awantu awakyafu gamba nga omusaayi (y'enkola esinga okwettanirwa) oba bisibeeko bulungi obisuule ku kasasiro.



1) Suula ebikyafu byonna mu kaabuyonjo (y'enkola esinga okwettanirwa)



2) Okubyokya



3) Siba ko bulungi osuule ku kasasiro

## 6 Okwawula engoye enkyafu

Engoye eziriko omusaayi, obubi oba obukyafu obulala bwonna zaawule kw'ezo ezitaliiko bintu bino nga tonnatandika kwoza. Zooze zokka.



## 7 Yonja ebintu by'okozesa naddala (ebikopo, essowaani n'ebirala) okusobola okwewala obuwuka obuleeta endwadde y'ekiddukano

Byoze ne ssabbuuni wamu n'amazzi nga bimaze okweyambisibwa abantu.



## 8 Tokozesa bintu eby'obwogi n'abantu abalala

Weewale okukozesa ebintu eby'obwogi n'omuntu omulala yenna, okugeza akasenya, ejjirita, akambe, empiso, omuswaki oba ekintu ekirala kyonna ekyefaanaanyiriza bino.








Tokozesa kasenya kakozeseddwa muntu mulala




Tokozesa jjirita ekozeseddwako muntu omulala





Tokozesa mpiso ekozeseddwako muntu omulala



Tokozesa kambe keeyambisiddwa okusala omuntu omulala